335/2
LUGANDA
Paper 2
July – August, 2022
2 ½ hours`

# UGANDA MUSLIM TEACHERS ASSOCIATION

## UMTA JOINT MOCK EXAMIANTIONS – 2022

## UGANDA CERTIFICATE OF EDUCATION

## LUGANDA

## Paper 2

**(Okusoma Bwino, Ebyobuwangwa ne Litulica)**

**Olupapula olwokubiri**

**Essaawa bbiri N'ekitundu**

**EBIGOBERERWA:**

Olupapula luno lulimu ebitundu bisatu A, B ne C.

Ddamu ebibuuzo bitaano (5).

Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu A ne B.

Mu Kitundu C, ddamu ebibuuzo bisatu (3).

Byokka nga ekimu kya bitontome.


© UMTA Joint Mocks 2022

Scanned with CamScanner

## EKITUNDU A.

1. Soma ekitundu ekikuweereddwa n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomero yaakyo. (obubonero 25)

Buganda erina ebiruubirirwa ebiwerako era bizze byogerwako okumala ebbanga ddene mu butuufu Buganda bye yettanira byogeddwako okumala emyaka egissuka mu 18 , okuviira ddala Kabaka Mutebi lwe yava mu buwaŋŋanguse abantu ba Buganda babadde baliko ensonga zaabwe ze baddiŋŋaana nga beegomba zigonjoolwe ffeenna tubeere mu ssanyu. Emirundi mingi ebibuuzo bibadde bubuuzibwa ngi "Buganda eyagala ki?". Ekibuuzo ekyengeri eyo si kyangu kwanukula ng'oyogera ku ggwanga eddene. Buganda **by'eyaayaanira** kye byava bifunzibwa mu nsonga Ssemasonga ettaano.

Esooka, tugamba nti Buganda erina ennono, ebyafaayo, obuwangwa n'empisa ebigifuula obwakabaka, ekitikkiro ky'Obwakabaka buno ye Ssaabasajja Kabaka.

Eyookubiri, twagala enfuga etuwa ekyanya okugabana obuyinza, kitusobozese okukuuma eby'obusika bwaffe ate n'okweramulira ensonga zaffe ezoomunda mu nkola gye twagandawazza mu kigambo "Federo".

Ekyokusatu, Buganda eno si ŋŋombo oba olugero Buganda nsi eyeetondese awantu ku ssemazinga wa Africa, era erina ensalo z'obwakabaka buno nkulu nnyo, era y'emu ku ssemasonga ettaano. Ku ttaka kwe kusimbye ennono n'ebyafaayo ebifuula omuntu omuganda, so ate ensalo ze zirambika ekitundu obukulwmbeze obugatta ennono zino gye buyitira ne gye bukoma.

Eyookuna kwe kukola obutaweera. Abantu ba Buganda tebasobola kweyagalira mu buwangwa bwabwe okuggyako nga bakola. Omukozi ye yeezimba, y'aweerera abaana y'abajjanjaba nga balwadde, y'afuna eky'okubaliisa era y'ategeera amakulu agali mu kitiibwa kya Kabaka. Atalina kantu kyangu nnyo okumwerabiza abeewaabwe ng'asuubizibwa obuntu katoole.

Eyookutaano, kwe kubeera obumu, Ensonga ezo enkulu ennya ezisooka tetusobola kusituukako okuggyako ng'abantu ba Buganda bali bumu. Eddiini zajja era tezikyaddayo, ate buli omu asoma yiye. Ebyobufuzi nabyo



Scanned with CamScanner

tetukyayawukana nabyo, Amawanga agenjawulo era nago bulijjo tujja kubeera nago. Bino tusaana tubikkirize nti y'embeera mwe tunaatambuliranga bulijjo, bireme kutuggya ku mulamwa. Ekikulu kwe kunoonya ekinyusi ekinaayongera okuzimba Buganda awatali kweraliikirira ddiini obw ebyobufuzi abalala bye bagoberera.

Ebiruubirirwa bya Buganda ebyo byonna tetunnabituukako, kyokka omusingi gumaze okuzimbibwa era gumaze n'okukala.
Kabaka waali, era abantu be bamweyagaliramu, ennono n'obuwangwa bisimbye amakanda, era n'omukolo guno gukakasa kino kye ŋŋamba. Emikolo emirala gye tubeerako ng'okwabya ennyimbe, okwanjula n'emirala giraga nti abantu ba Buganda baagala okunyweza ennono y'eggwanga lyabwe.

Kabaka agambye abantu okukola era ne bamwanukula nga banyiikira, tebannavvuunuka bwavu naye balabibwa nga bafaayo ku mbeera gye balimu, nga bayiiya, nga basala amagezi okwewonya obwavu. Omutanda atugambye nti ebyenjigiriza kye ky'obusika kye tulekera abaana baffe. Buli gye tuzza amaaso tulaba masomero n'abaana abeeyuna okyubangulwa.
Ebyo ebikyatusoomooza ng'obutatuddiza ttaka lyaffe oba obutafuna "Federo" tujja kubifuna kubanga abantu bakyagala.
Omulembe Omutebi nga bwe gusajjakudde tusse amaaso n'amagezi ku bigasa Obuganda. Mu ngeri yeemu tusaana okussa essira ku nteekateeka ezisobola okussa ejjamba mu nkuluze ate ne mu Ggwanika lya Buganda.
Bwe tunaawangula olutalo l w'ebyenfuna entalo endala zijja kuwewukako.

(Kisimbuddwa mu: Amatikkira ag'emyaka 18 Kasambula 2011 bubaka bw'oweekittibwa Charles Peter Mayega.

**EBIBUUZO:**

(a) Wadde nga Buganda tennatuuka ku biruubirirwa byayo naye era waliwo essuubi. Nnyonnyola ensonga nnya (4) ezikakasa kino? (obubonero 4)

(b) Nokolayo ebintu bya mirundi ebiri (2) omuwandiisi by'alabula Abaganda okwegendereza bireme kubaggya ku mulamwa gwa kuzimba Buganda?

(obubonero 02)



Scanned with CamScanner

(c) Menya ebiruubirirwa bitaano (5) Buganda by'emaze ebbanga ng'eyaayaanira? (obubonero 5)

(d) Lwaki omuwandiisi agamba nti ettaka Kintu kikulu nnyo mu Buganda?

(obubonero 02)

(e) Nnyonnyola ensonga nnya (4) ezikakasa nti okukola kwe kuyinza okusobozesa Abaganda okweyagalira mu Buwangwa bwabwe?

(Obubonero 4)

(f) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bnwe bikozeseddwa mu kitundu

(obubonero 4)

(i) Yettanira

(ii) Ekyanya

(iii) Obutaweera

(iv) Obuntu katoole

Mu bibuuzo ebiddako (g), (h), (i) ne (j) Wandiika ekyokuddamu mu bufunze ddala. (obubonero 4)

(g) Efuga eya Federo y'efaanana etya ?

(h) Buganda okuba obumu kitegeeza ki?

(i) Omulembe Omutebi ogusajjakudde gwe gufaanana gutya?

(j) Ekikulu kwe kunoonya ekinyusi kitegeeza ki?

## EKITUNDU B

Kola 2(a) ne 2(b).

2. (a) Maliriza engero zino wammanga (obubonero 10)

(i) ....................................emmuli ziguyitwa bukiika.

(ii) ....................................ennyonyi ziguyita ttale.

(iii) ....................................amanya ensonga.

© UMTA Joint Mocks 2022


Scanned with CamScanner

(iv) Ogw'okulya gwasuula ...........................................................................

(v) Obulungi bw'ensozi ..............................................................................

(vi) Amaanyi ameemanye.........................................................................

(vii)..............................................gukwegayiriza akuwerekera nti "ntusaako wali"

(viii).........................................................................bakwanya mikka.

(ix) Ebibuuka bitalagaanye .......................................................................

(x) Ebiddawo tebyenkanankana.....................................................................

2 (b) Nnyonnyola amakulu g'engero zino ag'omunda. (obubonero 5)

(i) Ajjanjaba omulwadde si y'amusikira.

(ii) Balubuuliza mbazzi nga luli ku muddo lugaaya.

(iii) Ekuba omunaku tekya esigala mu mutwe.

(iv) Eteefe etuusa mugenyi.

(v) Ekinaakulyako amenvu, kijjira mu kusasa.

## EKITUNDU C

Ddamu ebibuuzo bisatu (3) byokka ng'obiggya mu butabo obwenjawulo ng'akamu ku bwo ka bitontome. Toddamu bibuuzo bisukka mu kimu ku buli katabo.

**Ruth N. Kaboggoza: Amaggwa n'emitego mu Buvubuka**.

Ddamu nnamba 3(a) oba 3(b)

3. (a) Laga embeera y'amasomero nga bwezimbiddwa mu lugero " Amaggwa n'emitego mu Buvubuka.



Scanned with CamScanner

**OBA**

(b) Bwe waali wasigadde omwezi gumu gwoka ave ewa Tezigattwa, Ssengaawe yatandkia okwekebejjanga buli kye yakolanga oba kituukiridde, yamutwala eyo mu lusuku wakati n'amubuuza nti .............. Wamala okukyalira ensiko nga bwe nnakuyigiriza ........................... n'amugamba nti leka mmale okukukebera mwana ggwe. Kuba ekyejo olina kingi".

(i) Ani ayogera ebigambo ebyo era abigamba ani? (obubonero 02)

(ii) Ng'oggyeeko kyamuyigiriza ekiragiddwa, bintu ki ebirala byamubuulirirako? (obubonero 18)

**Waalabyeki Magoba: Mbayiwa owabayizi**

Ddamu nnamba 4(a) oba 4(b)

4. (a) "Naye owange omulenzi omulungi nga ggwe ekyo ekiwala ki Kibiggiri ekikutuza endiga ku ttale wakyegombako ki? ............ n'awulira ensonyi n'okusaalirwa mu kiseera kye kimu ng'alaba bamuzeeko bamujerega ate nga omuwala gwe yali ayagala olw'empisa ze ennungi bwe zityo agenze.

(i) Ebigambo ebyo ani abyogera era abyogera ku ani? (obubonero 02)

(ii) Kiki ekyali kituuseewo omwogezi okw'ogera ebigambo ebyo? (obubonero 08)

(iii) Laga ensonga lwaki gwe bagamba ebigambo ebyo afiira ku ki Kibiggiri? (obubonero 10)

**OBA**

4 (b) Nyonnyola ensonga eziraga nti Mbayiwa ebizibu byonna ebimutuukako y'abyereet era. (obubonero 20)

***Prisca* Nakitto: Nze Mbimaze**



Scanned with CamScanner

Ddamu 5(a) oba 5(b)

5 (a) "Nkakasa Tebeesigwa y'atutabulatabula wakati awo, ate nange ne mba nnyo muzibe obutalaba Tebeesigwa bye yakolanga. Bambi yagezaako nnyo okunsaba mbasisinkanye boogere nga nze bimpita ku nviiri. Iii omuntu nga teyeesigwa…….. "

(i) Ani ayogera ebigambo ebyo? (obubonero 02)

(ii) Ani yazibula omwogezi amaaso era yagamuzibula atya? (obubonero 02)

(iii)Laga ebikolwa ebitali bya bwesigwa ebikolebwa abantu abenjawulo mu muzannyo guno. (obubonero 16)

**OBA**

5. (b) Eddembe ly'abakyala lityoboddwa nnyo mu muzannyo nze mbimaze. Laga engeri kino gye kyeyolese mu muzannyo guno. (obubonero 20)

**Namaganda Alice Janet: Ebitontome ebiseeneekerevu.**

6. Ddamu nnamba 6(a) oba 6(b)

Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

**ET TALE**

1. Omuntu wa kuno ansobera
   Akuyigganya ozaawe
   N'akusaawa n'akuzisa
   Bw'amala ate n'adaaga

2. Mu buzibu anneeyuna
   Mu nnaku mmukweka
   Mu ssanyu anneeyuna

Olulala anneekuba

Olulala anneevuma

3. Ng'anazimba nze mmujuna

Bw'alwaza nze musawo

Ng'anaalunda nze kikolo

Ng'anaazannya nze kisaawe

Nze buddukiro

4. Maluma mugawona mutya we ssiri?

Bufumbo mubunyweza mutya we ssiri?

Amaka mugaganga mutya we ssiri?

Bugagga mu bukuuma butya we ssiri

N'olwekyo mundeke mbeewo.

5. Mikwano gyange nze ngisuza

Bawansolo nze mbakuuma

Bawannyonyi nze mbasuza

Abalambuzi nze mbayita

N'olwekyo mundeke mbeewo.

(i) Nyonnyola engeri ekitontome kino gye kisengekeddwamu (obubonero 06)

(ii) Bukodyo ki omuwandiisi bw'akozesezza okufuula ekitontome kino ekinyuvu, (obubonero 8)

(iii) Laga engeri omutontomi gy'azimbyemu amaloboozi. (obubonero 04)

(iv) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu.

- Munnuna
- N'adaaga

(obubonero 02)



Scanned with CamScanner

OBA

6. (b) Obuseenekerevu bw'ebitontome ebiseeneekerevu omuwandiisi abwesigamya ku ki? (obubonero 20)

Kola nnamba 7(a) oba 7(b).

7 (a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo.

**KAKULU ASOMBA**

Kale Saali ntyo,
Era saali nti,
Nalina ensingo eri,
Biseera nnanda.

Nalina amaaso era,
Agalinga ettaala,
Nalina akabina ggwe,
Kalinga endoddo.

Nagejja entumbwe,
Akaana kanyaala,
Namyuka ebbeere,
Nga litta omuntu.

Nayimba nkooka,
Ng'ennyonza ngireka,
Twakoona endongo,

Mukiibi ajjukira.

Nalina ku ssente,
Twazirya zaggwaawo,
Tondaba nga nkogga,
Nali wa nsanso.

Ebibuuzo

(i) Lwaki omuontomi agenze addiŋŋana ekigambo nnalina? (obubonro 5)

(ii) Nyonnyola ku nzimba y'ekitontome kino. (obubonero 08)

(iii) Laga engeri omudigido gye guzimbiddwamu mu kitontome kino? (obubonero 4)

(iv) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bikozeseddwa mu kitontome.

- Endoddo
- Nkooka
- Nsanso

(obubonero 3)

**OBA**

7. (b) Nyonnyola obukugu Ssali Damascus bw'ayolesemu kut uwandiikira ebitontome mu Buwoomu bw'ebitontome. (obubonero 20)

**BIKOMYE WANO**

Scanned with CamScanner